**27th October 2017.**

# OBWEETAAVU BW'OKUNYIIKIRA OKUSABANGA.

**Abakkolosaayi 4:1-2.**

Ekitundu kyaffe mwe tusomesebwa amakya ga leero, kitandika n'olunyiriri olwaali lukomekkereza omulamwa gw'okusomesebwa kwa Sande ewedde, ekyongera ottulaga bwe wataali ssuula na nnyiriri mu byawandiikibwa era nga kyandikweewuunyisizza lwaki ate ng'olunyiriri luno olusooka ssi lwe lwaali lusemba mu ssuula ey'okusatu, lugamba nti …….[4:1]………
Twaakiraba mu 3:22-25, Paulo yali abuuliridde abaddu nti……
Kwe kuwumbawumba okubuulirira kwe eri entabagana zino Yesu Kristo mwe yalina okwolesebwa nga ye Mukama, ng'agamba abakozesa nti …..
Ekifaananyizibwa ne kye yagamba Abaefeso mu 6:9 nti "Era nammwe bakama b'abaddu, muyisenga bulungi abaddu bammwe nga temubatiisatiisa, nga mumanyi nti Mukama waabwe, ye Mukama wammwe, ali mu ggulu era ye tasosola mu bantu."
Ebyo biri eri abalina bonna be tukozesa wadde ssi baddu, kubanga mu biro ebyo, abakozi baalinga baddu, nti tulina okubayisanga nga naffe bwe twandyaagadde okuyisibwa singa tuli mu bifo byaabwe, kubanga ddala eri Mukama, tuli nga bbo, ate ng'etteeka lya Mukama liri nti yagalanga abalala nga naawe bwe weeyagala kkenyini.

Okweyongerayo mu kitundu mwe tunajja ekinyusi ky'okusomesebwa kw'omulamwa gwa leero, Paulo yagamba Abakkolosaayi, era nga bwatugamba ffe wano ku Calvary Chapel nti ……..vs 2

Agamba nti kitugwaanidde okunyiikira…obutakoowa, era obutakoma – obutalekeraawo kusabanga Mukama. Oyo eyatugamba mu Matayo 7:7,8 "Musabe, munaaweebwa. Munoonye, munaazuula. Era mukonkone munaggulirwawo. Kubanga buli asaba aweebwa, na buli anoonya azuula, na buli akonkona aggulirwawo."
Kino nkirabye nga kwe kusoomoozebwa okusinga eri buli mukristaayo, na buli kkanisa….. 'okunyiikiranga okusaba'.

Neebaza nnyo Mukama ampadde ekisa okuba ng'okusaba ky'ekimu ku byensinga okunyumirwa, era okkola mu bulamu bwange bukya ndokoka, olw'emiganyulo emiyitirivu egikirimu. Naye nange nfuba era entakera nswaazibwa nze kkenyini olw'obutasaba nga bwe kkiŋŋwaanidde. Era kwe kusoomoozebwa gye tuli ffenna. Kubanga nkirabye wano ne mu makanisa amalala, nti enkuŋŋaana z'okusaba z'ezisinga obutajjumbirwa, ng'amazima gakyooleka bwoolesi nti Sitaani mw'ekyo mwasinga okulwaanyisa abakkiriza, nabo nebawangulwa.
Eky'okulabirako ky'eky'omu Gesusemane Matt. 26:36 – 46……. Laba 41….

Bwe tweetegereza obulamu bwa Yesu Kristo Mukama waffe, nti wadde yali Katonda mweene, kye yasinganga okkola kwaalinga kusaba, era tubuulirwa nti abayigirizwa be kye baamusaba abayigirize…(Lukka. 11:1). Kyokka ne bwe baalemererwa oggoba emizimu mu baagirina, bwe baamweebuuzaako lwaki bwe gwaali yabaddamu nti….. "eky'engeri eno tekiyinza kuvaawo awatali kusaba na kusiiba." [Matt.17:21] Ekiraga nti okunyiikiranga okusaba n'okugattamu n'okusiiba, kikola bulungi okunyweeza okukkiriza kwo n'oba muwanguzi mu buli nsonga.
N'olw'ekyo mbakubiriza nga nange bwe neekubiriza tunyiikirenga okusaba Mukama tusobozesebwe okubeera abawanguzi n'okukirawo.
I Abasessalonika 5:17 lugamba "musabenga obutayosa;........"
Mukkiriza munnange, kitugwaanidde obutayosa kusabanga, nga bwe tutayosa kulya.
Agamba nti ssimanyi nze kusaba…. Saba Mukama akuyigirize,…. osome ebyawandiikibwa, ojja kuyiga, bwonoonyiikira. Laba mu Zabbuli, essaala ennyingi, Dawudi zeyasabanga ofune ensaba mu buli mbeera; okweenenya, okwegayirira, okwegayiririra, okulwaana, okweebaza, okutendereza, okusinza, na byonna, eby'okulabirako mwebiri mu Zabbuli.
Era nga bwe tubuulirirwa mu Bafiripi 4:6,7 Temweraliikiririranga kintu na kimu, wabula mu buli kintu mu kusabanga ne mu kwegayiriranga awamu n'okwebazanga, mutegeezenga Katonda bye mwetaaga. N'emirembe gya Katonda, egisukkiridde okutegeera kwammwe ginaabakuumanga amagezi gammwe n'emitima gyammwe mu Kristo Yesu."

Okusaba kwaffe kulina okubaamu okweebaza. Okweebazanga okwo kusiikuula okukkiriza kwaffe ne tusaba essaala ezijjudde okukkkiriza.

Z’eziddibwaamu Mukama, nga bwe tubuulirwa mu Yakobo 1:5-7 “Naye obanga omuntu yenna ku mmwe aweebuka mu magezi, asabenga Katonda agabira bonna atakayuka, galimuweebwa. Kyokka amusabenga mu kukkiriza, nga tabuusabuusa, kubanga oyo abuusabuusa ali ng’ejjengo ery’oku nnyanja erisundibwa empewo. Omuntu ng’oyo bw’atasaba na kukkiriza tasuubira Mukama kumuwaayo kintu kyonna.”

Mu magezi g’egamu mwe muli okuba nti ky’ofunye n’okusaba, okikuuma na kusaba…..okusaba kw’okweebaza…..n’omuganda agamba nti ‘nsiima bwongerwa…’

Mu by’okulabirako nga tuwunzika okusomesebwa kwaffe leero, tulaba ebitundu bibiri ebyayogerwa Mukama waffe mu Lukka 11 ne 18, eri obweetaavu okunyiikira okusabanga.
Lukka 11:1 - 13…….
Lukka 18:1 – 8 ……

Ku lwange nsaba abeegayirizi mu bigambo bya Isaaya 62:6,7…..